

Biki ebyaava mu kunoonyereza kwa ASPIRE? Okutwalirawamu, Okunoonyereza kwa ASPIRE(MTN-020) kwalaga nti akaweta ka Dapivirine ak'omubukyala kaziyiza nga ekintu kimu kyakusatu obulwadde bw'akawuka kamukenenya. Mu bakyala abaliwaggulu w'emyaka 21, abakozesa akaweta ebiseera ebisinga okusinga abakyala abato, abantu abasukka mubataano kubuli kummi baziyizibwa okwatibwa obulwadde bw'akawuka ka mukenenya. Mu ASPIRE, obukuumi obw'amaanyi bwalabikira mu nkozesa y'akaweta ennungi nga bwekatekeddwa okukozesebwa (mu bakyala basatu babiri baziyizibwa okukwatibwa akawuka ka mukenenya) Okufanagana ne nkola endala ez'okuziyiza, akaweta kakola singa kaba kkozesebwa mu butuufu era buli kiseera. Akaweta era tekaalina bulabe, kitegeeza nti tekaleeta buuzibu bwamaanyi ku bulamu. Okunoonyereza okulala okwagezesa akaweta ka Dapivirine, okuyitibwa IPM-027 (The RING study) kwalaga ebyavaamu nga bifanagana.



Andrew Loxely

Buno buwanguzi bwamanya obutandisobose awatali kwewaayo kwa banakyewa baffe!

Akaweta ka Dapivirine kanafunika ddi mu bintundu byaffe gyetubeera? IPM, ekibinja ekyakola akaweta, bakolagana ne gavumenti n'abantu abalala bebakolagana nabo nekigendererwa ekyo kusoboseza akaweta okufunika mu bitundu gyetubeera. Omutendera guno gulimu okufuna olukusa lungi okuva mu bitongole ebigoberera okunoonyereza ne mu ggwanga linyini ate nga buli kimu kitwaala obudde. Tetumanyi oba akaweta kanafuna olukusa oba bbanga ki ddala lyekinatwaala nga akaweta tekannaba kubaawo, naye omutendeera gutera okumala emyaka egiwerako.

Lwaki okunoonyereza kwa HOPE Kukolebwa? HOPE kwe kunoonyereza okweyolese okweyongeddeyo, okukolebwa okuwa banakyewa akaweta ko kunoonyereza akakola ngatekannaba kukoozesebwa mu bantu bomubitundu. Okunoonyereza okweyolese okweyongeddeyo era kukolebwa okukungaanya amawulire amalala agakwata ku ddagala erikozesebwa nga ebikwata kubutaba nabulabe era n'okukozesa nga bw'otekeddwa. **Ekgendererwa ekikulu ekyo kunoonyereza kwa HOPE kwekuwa banakyewa obusobozi okufuna akaweta k'omubukyala akalimu eddagala lya Dapivirine, akalaze nti tekalina bulabe era n'okukendeeza omukisa gw'okufuna akawuka kamukenenya.**

Ani alina ebisanyizo okwetaba mu kunoonyereza kwa HOPE? Mukiseera kino, abakyala bokka abetaba mu kunoonyereza kwa ASPIRE bebajja okulowoozebwa okuyingizibwa mu HOPE. Abakyala bateekwa okutegeera ebisanyizo by'okunoonyereza era basalewo okukwetabamu. Abakyala balina okubeera mumbeera enuungi ey'obulamu, tebalina kawuka ka mukenenya era nga tebali mbuto oba okuyonsa. Abakyala bajja kufuna okukeberebwa okwekisawo era n'okwekebejjebwa okukakasa nti balina ebisanyizo okwetaba mu HOPE.

Okunoonyereza kunamala banga ki? Enkyala z'okunoonyereza zinabawo buli banga ki? Buli mukyala ayingizibwa ajja kubeera mu HOPE nga omwaka 1. Enkyala z'okunoonyereza zijja kuba zabuli mwezi mu myezi essatu egisooka era badde omulundi gumu buli myezi essatu oluvannyuma lwekyo.

Obuweta bw'omubukyala buli butya mu HOPE? Abakyala bona bajja kuweebwa akaweta k'omubukyala akalimu eddagala lya dapivirine okukakozesa buli mwezi. Obutafanana na ASPIRE, TEWALI buweta butalimu ddagala mu HOPE.

Abakyala abanayingizibwa mu HOPE banasabibwa ku kola ki?

- Abakyala bonna abalina ebisanyizo banirizibwa okwetaba mu HOPE era n'okujjanga ku nkyala z'okunoonyereza entegeke.
- Abakyala bonna bajja kuweebwa akaweta k'omubukyala akalimu eddagala lya dapivirine okukakozesa buli mwezi. Abakyala basobola okwetaba mu kunoonyereza sinsonga oba balonzewo akaweta nga enkola eyokuziyiza akawuka kamukenenya oba nedda
- Abakyala abalonzeko okaweta nga enkola eyokuziyiza akawuka ka mukenenya bajja kufuna okubuddabudibwa era nebiragiro ebikwata ku nkoseza y'akaweta era bajja kusabibwa okuddamu ebibuuzo ebikwata kukukozesa akaweta.
- Banakyewa bayinza okukyusa endowooza yabwe ku kukozesa akaweta nebwebaba nga bamaze okuyingira mu kunoonyereza. Banakyewa bonna kyebawayo kyamugaso mu kunoonyereza kasita **babulira omukozi mu kunoonyereza nga tebakozesa kaweta.** Jjukira, naye, nti akaweta kasobola okukuuma obutafuna akawuka kamukenenya singa kaba kkozesebwa.

➤ Banakyewa bonna, obabakoseza oba tebakozesa kaweta, bagya kusabibwa:

- Okuddamu ebibuuzo ebikwata ku bulamu bwabwe n'enyisa yabwe mu byokwegatta.
- Okufuna okubudabudibwa ku kukendeza emikisa gy'okufuna akawuka ka mukenenya era n'obupiira bukalimpitawa
- Okukozesa enkola eyokwegema okuzaala okuziyiza okufuna olubuto.
- Ku nkyala ezimu, okufuna okeberebwa eby'obulamu
- Okukeberebwa mu labu okutwaliramu okukebera endwadde eziyitira mu kwegatta, olubuto era na kawuka kamukenenya
- Okuwayo omusayi, enviiri n'amazzi g'omubukyala

Ate abakyala abanagaana okuyingizibwa mu HOPE?

- Singa nakyewa asalawo nti tayagala kuyingira mu HOPE, ajja kubuuzibwa oba asobola okukola olukyala lumu okuwa amawulire agakwata ku lwaki agaanye okuyingira mu HOPE.

- Banakyewa abagaana okuyingizibwa bayinza okukyusa endoowoza yabwe ne bayingira mu HOPE singa okunoonyereza kuba kukyagenda maaso era nga batukirizza ebisanyizo .

Mulimu buzibu ki? Obuzibu bwokwetaba mu HOPE bufanana no bwa ASPIRE:

- Oyinza obutewulira bulungi oba obulumi okuva ku kukeberegwa oba okugyibwako omusayi.
- Akaweta ko mubukyala kayinza obutayisa bulungi abakyala abamu era abamu bayinza okufuna okusiyibwa,okubundula amazzi oba obubonero obulala
- Oyinza okukwatibwa ensonyi olw' ebibuuzo era n'emitendera mu kunoonyereza.
- Kisoboka gwe oba muganziwo okuwulira akaweta nga muli mukikolwa eky'okwegatta
- Mu mbeera etatela kubawo bwoba nga okwatiddwa akawuka ka mukenenya, akawuka ka mukenenya k'olina kayinza okumanyiira eddagala singa oba weyongedde okukozesa akaweta.
- Kisoboka nti abantu abalala bayinza okukuyisa mungeri etali yabwenkanya oba okukusosola olwo kwetaba mu kunoonyereza.

Mulimu migaso ki?

- Ng'oli mu kunoonyereza,abakyala mu HOPE bagya kuwebwa akaweta komubukyala akaasangibwa nga tekalina bulabe era nga kakola mu kuziyiza okwatibwa akawuka kamukenenya.
- Abakyala mu kunoonyereza era bajja kufuna okukeberegwa okwekisawo, okukeberegwa okulaba obulamu bwabwe, enkola ey'okwegema okuzala,okubudabudibwa era n'okukeberegwa akawuka kamukenenya n'endwadde eziyitira mu kwegatta era n'obujjanjabi oba okuwerezebwa ewalala,nga bwekyetaagisa.

Biki abaganzi/abaami era n'abantu b'omubitundu bye basobola okukola?

Eri abakyala abalina ebisanyizo,okusalawo oba oyingira mu HOPE era oba okozesa akaweta wesalirawo wekka ggwe ng'omuntu.Abakyala bakubirizibwa okukubaganya ebirwoozo kyebasazeewo ne baganzi/baami baabwe era nabantu abalala ab'omugaso gyebali.Abakozi mu kunoonyereza bajja kukuuma ebikwata ku bakyala mu kunoonyereza nga byakyaama era webaali okwogera ku HOPE n'okuddamu ebibuuzo byonna abaganzi/abaami oba abantu b'omubitundu byebalina,nga bwekyetaagisa. Nga tubawaggira, abaami na bantu b'omubitundu nabo bayamba okulwanyisa akawuka/obulwadde bw'amukenenya`.

HOPE

Out of ASPIRE, there is HOPE

Amawulire aga bakyala,baganzi babwe era n'abomubitundu



Singa oba nebibuuzo oba wetaaga okumanya ebisingawo, tukusaba okyalire kilinikka y'okunoonyereza:

MU-JHU Research Collaboration/ MUJHU CARE LTD
P.O.BOX, 23491
Upper Mulago Hill Road
Kampala, Uganda
TEL: 0414 541 044